# Bbanka Enkulu etadde ekkomo ku ssente eziggyibwa mu bbanka

Bya LAWRENCE KIZITO

BBANKA Enkulu eya Uganda etadde ekkomo ku ssente omuntu z'asobola okuggya mu bbanka omulundi ogumu, n'ekigendererwa eky'okutumbula entambuza ya ssente okuyita mu mikutu egya digito.

Okusinziira ku kiwandiiko ekyafulumiziddwa Bbanka Enkulu, enteekateeka eno etandika mwaka gujja nga January 1, 2027.

Mu nteekateeka eno, omuntu ssekinnoomu takkirizibwa kuggyayo ssente zisukka bukadde 50 olunaku, ate akawunti eza bizinensi tezikkirizibwa kuggyayo bukadde 250 olunaku.

Mu wiiki, akawunti ez'abantu ssekinnoomu tezikkirizibwa kuggyayo ssente zisukka bukadde 500, ate akawunti eza bizinensi tezirina kusukka buwumbi bubiri n'ekitundu.

Bbanka Enkulu egamba nti, kino ekikoze okusobola okunnyikiza enkola ey'okutambuza ssente okuyita mu nkola eza digito, kubanga ensi yonna awo w'eri kati.

Kyokka wadde enkola eza digito zeeyongedde, Bbanka Enkulu egamba nti ekimanyi wakyaliwo abantu abakyatambuza ssente enkalu, era eragidde bbanka z'ebyobusuubuzi okulondobamu abantu abeesigika mu ntambuza y'emirimu gyabwe, abasobola okubuuka etteeka lino.

Era Bbanka Enkulu esigazza obuyinza obw'okubaako abantu oba kkampuni z'ekkiriza okuggyayo ssente ezisukka mu ezo ezirambikiddwa, nga basaba okuyita mu bbanka zaabwe ze bakozesa.

Bbanka z'ebyobusuubuzi era ziragiddwa okukubiriza bakasitoma baazo okukozesa enkola eza digito mu kutambuza ssente, kubanga zo teziriiko kakwakkulizo konna.



Omukozi mu bbanka ng'aliko kasitoma gw'akolako.

## Abantu kye bagamba



**John Kabanda: Bbanka Enkulu okugaana abantu okukozesa ssente zaabwe nga bwe baagala kikyamu kuba kigenda kuzza emabega obusuubuzi.**



**Paul Ssekabembe: Ekiragiro kino bwe batakijjulula, bajja kuggya obwesige mu bbanka, batereke ssente mu mayumba, eky'obulabe.**



**Vastinah Mutuuzo: Kino kikyamu kubanga kigenda kutaataaganya entambuza y'emirimu gyabwe. Kuno kuba kulinnyirira ddembe lya bannannyini ssente.**